## OMWANA AFIIRIDDE MU NNYUMBA E BUKUTO

OMWANA ow'omwaka agumu, afiiridde mu muliro ogukutte ennyumba mwe babadde ne muganda we ow'emyaka ena. Ye muganda we, yasimattuse era poliisi etandise okubuuliriza ku kivuddeko omuliro guno. Bino, bibadde mu zooni ya Ssemwogerere e Bukoto mu minisipaali y'e Nakawa, omuliro bwe gwakutte ennyumba ya Simon Semwogerere ne gutta omwana Evelyn Najjuma. Kigambibwa nti Najjuma ne muganda we ow'emyaka ena, nnyina, yabadde abalesseemu okugenda okusena amazzi.